# D.O.W.B.I

## DOERS OF THE WORD BIBLE INSTITUTE

# CERTIFICATE

## IN MINISTRY

KAMPALA BIBLE
REVELATION CHURCH




# OBUFUZI N'ENTEEKATEEKA Y'EKKANISA;

**Name/Erinnya**____________________________________________________________________

**Located/ Tusangibwa**
* Kirumira Towers 6th Floor [City Campus]
* Makerere, Mukubira Zone near MBI Off Sir Apollo Kaggwa Rd.

# KAMPALA BIBLE REVELATION CHURCH

DOERS OF THE WORD BIBLE INSTITUTE
KIRUMIRA TOWERS 6TH FLOOR [CITY CAMPUS]
COURSE OUTLINE (3 HOURS)

---

# OBUFUZI N'ENTEEKATEEKA Y'EKKANISA;

## >OKUNNYONYOLA KW'EKKANISA:

**Kyriakos (Gk)** kitegeeza ennyumba ya Mukama, ekifo eky'okusinza.

**Ekklesia (Gk)** kitegeeza okukung'aana kw'abalokole ,"abayitibwa okuva mu balala"

**Ekkanisa** era emanyiddwa nga Ekanisa ebuna ensi yonna naye nga terabika n'amaaso nga etwaliramu bonna abakkiriza Yesu Kristo bukya nga wabaawo okulokoka.

## >>ENGERI EZA 'EKKLESIA':

1. Kye kibiina ky'abakkiriza nga kibeera mu kifo ekimu mu Kkanisa.
2. Gwe mubiri nga Kristo gwe mutwe gwa gwo. Abaefeso1:22
3. Gwe mubiri omuli abantu nga bali bitundu bya bannaabwe: 1 Abakkolinso 12:12; Abaruumi 12:4
4. Kisibo kya Katonda: Ebikolwa 20:28; 1 Petero 5:2
5. Maka ga Katonda: 2 Abakkolinso 6:18
6. Baana ba Katonda: Abaruumi 8:16; Yokaana 1:12

## >>Enteekateeka ye Kkanisa:

Ekkanisa yateekebwateekebwa bulungi nga buli kimu kirina wekibeera.1 Cor. 14:40, mu Kkanisa mulimu entegeka ez'eddembe. Okusinzira ku Luberyeberye 1:1 Katonda waffe Katonda wa nteekateeka.

## >>Obufuzi mu Kkanisa:

Mu Kkanisa mulimu obufuzi n'amadaala ag'obuyinza. Tito1:4-10; 1 Timoseewo 3:1-3; Abaefeso 4:11. Waliwo ebibiina by'abakulembeze. Abaebbulaniya 13:7

## >>Obukulembeze bw'ekkanisa:

- Abakulembeze: Tito 1:4–10; 1Timoseewo 3:1 – 7; Abaefeso 4:11
- Abawereza: Abaruumi12:1-8; 1Abakkolinso 12:1-8
- Ekibiina ky'Abalokole: 1 Abassesalonika5:12; 1Timoseewo 5:17;

## >>Enkola ettano ez'obukulembeze:

1. Obukelembeze buva mu Kristo era bukozesebwa mu linnya n'omwoyo wa Yesu: Matayo 28:18
2. Obuwombeefu bwa Kristo butuwa enkola y'obukulembeze n'obuwereza bw'Abalokole. Matayo 20:26; 23:11.
3. Obufuzi bw'eKkanisa buddukanyizibwa wamu so si bwa muntu omu owo ku ntiko. Matayo 18:19; Matayo 22:8; Ebikolwa 15:28
4. Okusomesa n'obufuzi bikwatagana: 1Abassesalonika 5:12

5. Abakebezi beetagisa okuyamba ku ba bulizi b'ekigambo. Ebikolwa 6:1

## >>Emirimu gy'ebibinja by'Abakozi mu Kkanisa:

- Ekibinja Eky'okuntiko: Kivunanyizibwa ku kulabirira, okwolesebwa, n'obukulembeze.
- Ekibina ky'abakulu ba abawereza: Bakwataganya era balabirira emirimu egikolebwa abawereza.
- Ekibinja ky'abakozi: Bano be bakola emirimu (abakozi)
- Ekibinja ky'Abasoma: Abayimbi, Abatimbi, n'Abakozi bo mu office
- Abakulira ebitongole: bakola emirimu gy'ebitongole

## >> Ekibiina ky'Abalokole (nga tebanafuna buwereza)

1. Okuwa Abakulembeze ekitiibwa: 1 Abassesalonika 5:12-13; 1Timoseewo 5:17-18
2. Okubeezawo n'okuwagira Abakulembeze: Luka 8:1-3; Ebikolwa 28:10; 1 Abakkolinso 9:14
3. Okugondera Abakulembeze nga bwe tugondera Mukama: Abaebbulaniya 13:7, 17; 2 Abassesalonika 3:14

## >> Emigaso gy'okuteekateeka e Kkanisa:

- Omwoyo Omutukuvu alabisibwa: 1 Abakkolinso 12:1-7
- Ekigambo ky Katonda kigulumizibwa nnyo: Ebikolwa 6:7
- Kireetera e Kkanisa okukula n'okugejja: Abaefeso 4:11-16
- Mu Kkanisa mubeera mu obuteefu n'obutebenkevu: 1 Abakkolinso14:40

## NOTES/WANDIIKA